WORKING TO EMPOWER

ABAKYALA N'AKAWUKA KA SILIIMU

Bya Claire McGowan. Bivvuunuddwa Joseph KB Matovu

Mu mwaka gw'enkumi ebbiri mu omukaaga (2006), abantu abawerera ddala obukadde ng'ana be baali balina akawuka ka siliimu mu nsi yonna.

Mu myaka abiri mu etaano okuva siliimu lwe yazuulibwa, amaka, ebyalo, wamu n'amawanga agawerako gasigadde ttayo. Obuzibu obuleeteddwa siliimu bukubaganyiziddwako ebirowoozo okumala ekiseera ekiwerako, era kumpi buli muntu abumanyi. Wabula, ekintu ekitatera kukubaganyizibwako nnyo birowoozo kye kikwata ku ngeri siliimu gy'akosaamu abakyala okutwalira awamu.

Siliimu bwe yasooka okuzuulibwa mu 1981, yasinganga kutta basajja, naddala abo abaali bakozesa ebidagaladagala wamu n'abalyi b'ebisiyaga. Naye wetwogeerera kati, omuwendo gw'abakyala abakwatibwa kko n'abo abalina akawuka ka siliimu guli waggulu ddala. Bye tumanyiiko ku nsaasaana y'akawuka ka siliimu mu bakyala byennyamiza, era bikakasa ekintu kimu nti: twetaaga okussa essira ku kiki abakyala kye basobola okukola mu kulwanyisa akawuka ka siliimu mu bwangu obw'ekitalo. Nga bwe kiri mu nteekateeka z'ekibiina ky'amawanga amagatte eziyitibwa *Millennium Development Goals*, ensonga ezikwata ku mwenkanonkano gw'abakyala n'abaami zeetaaga okussibwa mu nkola zisobole okuyambako mu kuwa abakyala akakisa ak'okufuna obujjanjabi wamu n'okuziyiza ensaasaana y'akawuka ka siliimu.

Ku ssemazinga w'Afirika, ku buli bakyala 14 abalina akawuka ka siliimu, kuliko abaami 10. Obukadde n'obukadde bw'abakyala wansi w'eddungu Sahara basigadde bannamwandu era bangi ku bo be balabirira amaka gaabwe bokka. Ebiseera ebisinga, abakyala bano beesanze nga ku buvunaanyizibwa buno bwe balina bagasseeko okulabirira abaana b'ab'enganda zaabwe abaafa, abaana ba mikwano gyabwe n'ab'omuliraano; ekintu ekireese omujjuzo gwa baamulekwa mu maka gaabwe. Omukyala omu mu Malawi yeesanga ng'abeera n'abaana abalala mwenda mu kayumba ke ak'emizigo ebiri. Mu Botswana, kisuubirwa nti buli muntu afuna omusaala ajja kwesanga ng'alina okulabirira waakiri omuntu omulala omu mu bbanga ery'emyaka ekkumi egijja olw'embeera akawuka ka siliimu gye kaleeseewo mu ggwanga lino. Okusinziira ku kitongole ky'amawanga amagatte ekikola ku nsonga za siliimu mu nsi yonna ekya UNAIDS, kisuubirwa nti omuwendo gw'amaka agalimu bakateyamba – abatalina busobozi bw'akwebeezaawo – nagwo gugenda kweyongerera ddala okulinnya.

Okutwalira awamu, obuzibu obuleetebwa siliimu businga kunyiga bakyala. Bwe wabaawo omuntu alwadde mu maka, emirimo gy'abakyala mu kulabirira abalwadde, okunoonya ssente ez'okubabeezaawo, wamu n'okulabirira awaka, gyeyongerera ddala. Omwami bw'aba y'alwadde, mukyala we yamujjanjaba, naye ate bw'afa, omukyala ono bambi asobola okuboolebwa si nakindi okugobwa mu maka. Mu mawanga mangi mu Afirika, eby'obuwanga ebikwata ku ani alina okusikira ettaka bissa abakyala bangi – bannamwandu ko n'abo bannakyeyombekedde – mu katyabaga kanene, omuli n'okuttibwa, okutuusibwako obulabe obulala, oba n'okulekebwa ettayo.

Obulwadde obusimbye amakanda mu maka tujja kwesanga nga bumazeewo ebyalo. Okugeza, mu bitundu ebimu mu ggwanga lya Zimbabwe, abakyala kati beesanze nga batandise okwenyigira mu mirimo edda gye twayitanga egy'abasajja, gamba ng'okubajja. Kino nno kiviirako abakyala okwesanga nga tebalina budde butegeka mmere kko n'okwesanga nga kumpi buli mulimo awaka gutunuulidde bo. Engeri gye kiri nti abakyala be basinga okukola

emirimo gy'obwannansi, okuzaalisa, obusomesa, n'emirala, okuba nga bangi ku bo kati tebakyasobola kukola nga bwe baakolanga edda olw'okulwalwala oba n'okufa bireetedde enkulaakulana ku ssemazinga w'Afirika okuzingama. Obuzibu siliimu bw'aleese bujja kusigala nga butukosa ne mu myaka egirijja, nga bweyolekera mu masomero omutali basomesa, mu baana abazaalibwa naye nga tebalina wadde obujjanjabi obusookerwako, mu malwaliro omutali basawo. Ba maama nga bwe beeyongera okufa, ani agenda okulabirira abaana abalekeddwa nga baamulekwa olwa nnawookeera wa siliimu – kati abakunukkiriza mu bukadde ekkumi n'obutaano mu nsi yonna?

Obuzibu bwa siliimu bugenda kuzingamya enkulaakulana ezibadde zituukiddwako ku ssemazinga w'Afirika. Abawala abato beesanze nga balina okuva mu masomero bagende batandike okukola, oba okusigala awaka okulabirira baamulekwa n'abenganda zaabwe abali ku ndiri. Obuzibu bwa siliimu bugenda kweyongera okwegiriisiza mu baana abawala wamu n'abakyala gye bujja. Okuba nti bazadde baabwe bafudde, ate nga balina n'okulabirira bato baabwe, abawala abato bagenda kwesanga nga bavudde mu masomero basobole okutuukiriza obuvunnanyizibwa obwandibadde obwa bazadde baabwe nga mw'otwalidde n'okunoonya ssente ez'okulabirira awaka. Waliwo kati alipoota okuva mu Afirika ez'ogera ku baana abato – omuli n'ab'emyaka omwenda gyokka – abakulira amaka era nga be balabirira bato baabwe.

Lwaki abakyala bali m katyabaga k'okukwatibwa akawuka ka siliimu? Nga bwe kiri ku nsonga endala ezikwata ku bulwadde bwa siliimu, eky'okuddamu kissuka ku siliimu okuba obulwadde ng'obulwadde ne kitwaliramu n'okunyigirizibwa okuli mu bantu okuleetedde obulwadde buno okusaasaana ennyo. Engeri abakyala abasinga gye babeera mu mbeera y'obutaba na busobozi mu bya nfuna, weesanga nga bangi ku bo tebalina buyinza ku nsonga ezikwata ku butonde bwabwe ng'abakyala kko n'ensonga ezikwata ku by'okuzaala. Kino nno kibaleetera okuba mu buzibu obutagmbika, kubanga mu mbeera eno baba tebasobola kwekuuma kufuna kawuka ka siliimu oba okwegatta n'abantu be bateebereza okuba n'akawuka ka siliimu. Okusinziira ku alipoota okuva mu kitongole ekya *Global AIDS Alliance*, kumpi kimu kyakusatu eky'abakyala mu nsi yonna bagamba nti omulundi gwabwe ogwasooka okwegatta baakakibwa bukakibwa.

Okutya okusongebwamu ennwe wamu n'obutabanguko mu maka biremesezza abakyala bangi okufuna amawulire n'amagezi ku ngeri gye balina okwerwanako. Obutali bwenkanya n'okunyigirizibwa bye bimu ku bintu ekitongole ky'amawanga amagatte bye kyagala okulwannyisa nga kiyitira mu bigendererwa byakyo ebyakazibwako erya *Millennium Development Goals.* Kino kijja kusobozesa okukendeeza ku muwendo gw'abakyala abakwatibwa akawuka akawuka ka siliimu ngeri eno ey'okunyigirizibwa. Endulundu y'ebintu ebikwata ku kwegatta wamu n'enneeyisa y'abantu okutwalira awamu byongedde kinene mu kutumbula okunyigirizibwa kuno. Okugeza, mu bavubuka abali wakati w'emyaka 15-19, ku buli bawala bana abakwatibwa akawuka ka siliimu, eriyo omulenzi omu akwatibwa; ekitegeeza nti abawala bano bali mu katyabaga kanene ak'okukwatibwa akawuka ka siliimu ng'obageraageranyizza n'abalenzi.

Eky'okubeera nti omuwendo gw'abakyala abakwatibwa akawuka ka siliimu mungi okusinga ku gw'abasajja tekiri ku ssemazinga w'Afirika kwokka; ne mu nsi ezaakula edda nga mu Bulaaya oba mu Amerika nayo bwe kityo bwe kiri. Mu mawanga nga Russia ne Ukraine, abakyala abasinga bakwatibwa nga bayitira mu kwegatta n'abasajja abakozesa ebiragalalagala. Ku ssemazinga wa Asia, abangi ku bo bakwatibwa nga bayita mu kwetunda. Mu Buyindi, abakyala abakwatibwa akawuka ka siliimu ababeera mu byalo beyongedde olw'abaami baabwe oba baganzi baabwe ab'egatta n'abakyala abatunda akaboozi k'ekikulu. Obutabanguko mu maka buleetera abakyala okuba nga tebalina busobozi kwesalirawo ku nsonga ezikwata ku by'okwegatta, oba ku ezo ezikwata ku by'okukozesa akapiira ka kondomu, oba okunoonya obuyambi oba amagezi agakwata ku kawuka oba ku bulwadde bwa siliimu.

Ekkubo erisinga okuleetera abakyala okukwatibwa akawuka ka siliimu liri mu baami baabwe. Abasajja bwe beesanga nga bali wala ne bakyala baabwe naddala abo abali ku mirimo egirimu

okutambula ennyo, beesanga nga bakyalidde ku ba malaaya oba bwe batakola ekyo, bafunayo ba 'kiyambi'. Bwe bakomawo awaka, basobola okukwasa bakyala baabwe akawuka akaleeta siliimu. Naye ekyewuunyisa kiri nti ate oluusi abakyala bano bakibateekako nti be baba bakwasizza abaami baabwe akawuka ka siliimu. Ekivaamu kwe kuba nti balekebwawo oba okugobwa mu maka oba mu kitundu mwe baba babeera. Abakyala abatasobola kweyimirizaawo mu by'ensimbi beesanga nga tebalina ddembe lya kwetaaya, nga tebasobola kwesalirawo ku nsonga ezikwata ku bulamu bwabwe, oba okuviira omusajja omwenzi oba okuva mu kutulugunyizibwa. Abakyala ku ssemazinga w'Afirika oluusi bakubwa amayinja oba okuboolebwa oluvannyuma lw'okuzuulwa nti balina akawuka ka siliimu. Olw'okutya okusongebwamu ennwe, abakyala bangi tebagenda kwekebeza era tebamanyi kiki kye bali ku bikwata ku by'akawuka ka siliimu, so ng'ate n'abaami ebiseera ebisinga bagaana okukozesa obupiira bwa kondomu ne bakyala baabwe.

Ng'ojjeeko ensonga ezikwata ku kunyigirizibwa, waliwo ensonga endala eziteeka abakyala mu katyabaga kokukwatibwa akawuka ka siliimu. Mu butonde bwabwe, abakyala kibanguyira nnyo okukwatibwa akawuka ka siliimu nga kayitira mu kwegatta ng'obageerageranyizza n'abasajja. Kino kiva ku buzibu bw'okunuubuka wamu n'okuvaamu omusaayi munda mu bukyala, era nga kino kitera nnyo okweyoleka singa abasajja abakulu beegatta n'obuwala obutanneetuuka. Enkola ezimu ez'obuwangwa gamba ng'okuwanyisiganya abakyala oba okubagabana ng'abaami baabwe bafudde zireetera akawuka ka siliimu okwegiriisa ng'ekigotta entula mu maka wamu ne mu kyalo kyonna okutwalira awamu.

Okwetunda n'okukakibwa akaboozi k'ekikulu nabyo bye bimu ku nneeyisa eziyamba mu kusaasaanya akawuka ka siliimu. Entalo ezikudde ejjembe mu mawanga agasinga ku ssemazinga w'Afirika wamu n'obutabanguko obutatadde bireetedde amaka okweyabuluzaamu, ekireetedde enkola ey'okwekuuma okutabanguka, kko n'okusindika abakyala n'abawala abatalina mwasirizi mu kukuba obwa malaaya okusobola okweyimirizaawo. Abakyala abato beesanze nga bayingidde amagye wamu n'okufuuka abakyala b'abajaasi, si nakindi n'okufuuka abakyala b'abawakuzi b'entalo mu ngeri etali ya kyeyagalire, ekintu ekyongedde okussa abakyala mu katyabaga k'okwongera okukwatibwa akawuka ka siliimu. Kyogeddwako lunye nti mu mawanga nga Uganda, Sudan, Zimbabwe, Rwanda, n'amala, okukaka abakyala akaboozi k'ekikulu kikozesebwa nnyo ng'ekyokulwanyisa mu kussa omutindo gw'abakyala wansi n'okubanyigiriza. Ekisinga obukulu, okusaasaanya akawuka ng'omuntu akigenderedde nakyo kifuuse baana baliwo mu biseera eby'obujagalalo mu bitundu ebiwerako ku ssemazinga w'Afirika.

Ku mutindo ogusookera ddala, siliimu ayabuluzza omukwano n'enkolagana wakati w'abakyala n'abaana baabwe. Nga siliimu tannayonoona bintu, abakyala ku ssemazinga w'Afirika baakubiribwanga okuyonsa abaana baabwe ng'emu ku ngeri ez'okubawa ekiriisa ekiri mu mabeere kko n'obukuumi obwenjawulo obusangibwa mu mabeere gano. Enkola eno ey'okuyonsa yayambanga nnyo mu kuggumiza omukwano wakati wa maama n'omwana. Naye wetwogerera kati, bannakazadde bangi abalina akawuka ka siliimu ku ssemazinga w'Afirika batiisiibwa nti singa bageza ne bayonsa, bajja kusiiga abaana baabwe akawuka ka siliimu.

Ensaasaanya y'akawuka ka siliimu okuva ku maama okudda ku mwana yeemu ku ngeri ezisinga okusaasaanya siliimu mu Afirika. Mu mawanga ga-nnaggwadda, ensaasaana eno esobola okukendeezebwa nga bayitira mu ngeri ey'okuzaalisa abakyala obulungi wamu ne mu kubawa eddagala erikendeeza ku bungi bw'akawuka ka siliimu mu musaayi eriyitibwa *antiretroviral drugs (ARVs)*. Naye mu Afirika, abakyala bangi tebalina mukisa guno era bangi ku bo tebafuna kulabirirwa kumala yadde amawulire agakwata ku by'obulamu bwabwe mu kiseera we babeerera embuto oba mu kuzaala. Okusobola okukendeeza ku muwendo gw'abaana abakwatibwa akawuka ka siliimu mu ngeri eno kyetaagisa okussa essira mu kulwanyisa obutamanya ku bikwata ku nsaasaana y'akawuka okuva ku maama okudda ku mwana, era nga kino kijja kwetaagisa okussaawo enkola ey'okubunyisa amawulire amatuufu agakwata ku nsaasaana y'akawuka ka siliimu mu ngeri eno.

Obuzibu obuleeteddwa siliimu kumpi butandika butandisi okweyoleka ku ssemazinga w'Afirika. Ku mulundi ogusookedde ddala mu makkati g'ekyasa ekiramba, obuwangaazi mu bantu bukendeeredde ddala kinene, kumpi kutuukira ddala ku myaka ana (40) mu mawanga agamu. Ekijja okuva mu kino kwe kwesanga n'omuwendo omunene ogw'abaamulekwa, abakyala abato ne banna-kyeyombekedde ababonaabona mu kukuza abaana baabwe, abaana b'ab'enganda zaabwe, abaana ba baliraanwa baabwe, wamu n'abo aba mikwano gyabwe. Eri obukadde n'obukadde bw'abaana abawala, akakisa ak'okusoma kajja kuggwaawo nga kw'otadde n'omukisa ogw'okukuzibwa obulungi ng'abaana abawala.

Naye ddala waliwo essubi? Tewali ssuubi liri awo, okujjako mpozzi mu ngeri y'okufuna omukisa ogusomako mu ssomero, okufuna amawulire n'okuwabulwa kko n'okuyambibwako mu ngeri endala ezitali zimu. Okugeza, kizuuliddwa nti okusomako – abantu ne bwaba bakomye mu masomero agasookerwako (*primary schools*) – kuyambako mu kwongera ku muwendo gw'abantu abalina kye bamanyi ku nsaasaana n'enziyiza y'akawuka ka siliimu, ate olwo kino nekiyambako mu kukendeeza ku muwendo gw'abawala abato abeenyigira mu bikolwa eby'okwerigomba nga tebanneetuuka. Kyokka ekisinga okwennyamiza kye ky'okuba nti ku muwendo gw'abaana abatali mu ssomero abakunnukiriza mu bukadde ekikumi (*100 million*), abasinga ku bo bawala. Singa tubadde ba kulowooleza mu birungi ebiyinza okuva mu kubeerawo kwa siliimu mu mawanga, twandigambye nti obuzibu obuleeteddwa siliimu bujja kutukaka okutandika okumanya n'okwekenneenya obuvunaanyizibwa n'ekifo ky'abakyala mu kulwanyisa nnawookera wa siliimu ono kumpi atutudde ku nfeete.

Okulwanyisa siliimu wamu n'omulamwa gw'omwenkanonkano mu baami n'abakyala bitambulira wamu. Eddembe ery'okubeerawo ng'omuntu talina siliimu kye kimu ku nnyingo ezeetaagibwa mu kulwanirira eddembe ly'abakyala ku bikwata ku by'obulamu n'eddembe lyabwe ng'abantu. Eddembe ly'abakyala okubeerawo nga tebatya nti bajja kukakibwa akaboozi k'ekikulu oba okutuusibwa obuvune mu ngeri yonna, lijja kubayamba nnyo mu kusobola okwetuusaako ebyetaago byabwe gamba ng'okufuna obujjanjabi n'okulabirirwa okumala, okulabirira abaana baabwe, n'okusobola okufuna amawulire agakwata ku mibiri gyabwe wamu n'ebyobulamu; ekintu ekijja okukendeeza ku muwendo gw'abakyala abalowooleza mu kukuba obwa malaaya okusobola okweyimirizaawo, ko n'okwongera ku muwendo gw'abakyala abasobola okweyimirizaawo ku lwabwe.